# Minisita Kasolo alaze ebiyambye Museveni okwongera okufuna obuwagizi mu Buganda



Pulezidenti Museveni bwe yabadde ne bannaddiini mu kampeyini e Masaka. Ku kkono ye minisita Kasolo.

Bya JOSEPH MUTEBI

OMUMYUKA wa Ssentebe wa NRM mu Buganda, Hajji Harunah Kyeyune Kasalo ayozaayozezza Bannayuganda olw'okulonda obulungi naddala nga bayiira Pulezidenti Museveni akalulu wamu n'ababaka ba NRM ekintu ekibayambye okuddamu okwedizza Buganda.

Kyokka minisita Kasolo yagambye nti: Obuwanguzi buno tebwereese bwokka, wabula waliwo ebintu musanvu eby'enjawulo ennyo ebikoleddwa Pulezidenti Museveni wamu ne Bannakibiina ab'enjawulo nga bye bimu ku bituyambye okutuuka ku buwanguzi. Mu bino mulimu;

1 Okutondawo omukago ogugatta ababaka ba NRM mu Buganda wamu n'abakulembeze baakyo. Okuva lwe tutaakola bulungi mu kulonda kw'omulundi ogwayita, twaddayo ne tutuula era ne tutandika okusala amagezi ku ngeri gyetusobola okweddizaamu ekitundu kino. Twatandika enkola emanyiddwa nga 'Buganda ku Museveni' mwetuyise okwetooloola ebitundu nga Buganda byonna nga tusaba abantu okuddamu okuwagira Pulezidenti.

2 Enkola ya ssente ez'oku miruka eza Parish Development Model: Enkola ya ssente ez'oku miruka Gavumenti gye yaleeta eganyudde nnyo abantu naddala okutumbula ebyenfuna byabwe bwebatyo nabo ne bakomyawo omukwano gwabwe eri Pulezidenti Museveni ne Gavumenti yonna okutwaliza awamu nga y'ensonga lwaki baamulonze.

3 Pulezidenti okuzzaayo ebintu bya Buganda: Pulezidenti Museveni okuva lwe yazzaawo Obwakabaka, ate azze obuddiza n'ebintu byabwo bingi omuli ebyapa, ettaka ly'ebitebe n'ebirala ebigwa mu kkowe eryo. Kino kikuumye Gavumenti ng'enkolagana bulungi n'Obwakabaka era n'abantu ne baddiza Pulezidenti nga bamulonda.



Minisita Harunah Kasolo.

4 Okutabaganya abaagwa mu kamyufu: Ku kulonda kw'omulundi oguwedde, NRM yafiirwa ebifo 19 nga byagenda mu bantu abaagwa mu kamyufu kyokka ne bakomawo ku bwa nnamunigina. Ku mulundi guno, bwe twamalirizza akamyufu, nnakulemberamu abakulembeze ba NRM mu Buganda okutabaganya abantu baffe abaali bagudde mu kamyufu era ebibala bye bino byetulabye.

5 Kaweefube wa Pulezidenti okukubiriza abantu okusimba emmwaanyi: Mu myaka gino etaano gye tumalako, Pulezidenti Museveni akubirizza abantu okusimba emmwaanyi era n'okuzongerako omutindo. Mu December w'omwaka oguwedde, abantu abaakozesa okuwabulwa kwa Pulezidenti kuno baasobola okufuna ssente wakati wa 13,000/- ne 15,000/- buli kkiro ya kase. Abantu abaafuna abaatunda emmwaanyi ku ssente ezo baayongedde okuwa Pulezidenti Museveni akalulu. Enkola y'okusimba emmwaanyi nange nagijjumbira era ne nsimba yiika 500 nsobole okuwa eky'okulabirako ekirungi eri abantu ba Buganda be nkulembera.

6 Museveni okuwa okukulira minisitule ez'enjawulo: Bw'otunuulira abakulira minisitule ez'enjawulo alabira ddala ng'abantu ba Buganda bangi be baziddukanya. Ezimu ku minisitule zino kuliko ey'entambula n'enguudo, ey'ebyamasannyalaze n'obugagga obw'ensibo, eya micro finance n'endala nnyingi. Abantu ba Buganda bwe baalaba abantu baabwe nga bali mu minisitule ezo nayo yabadde ya nkizo nnyo mu kulonda kw'omwaka guno.

7 Okulaga abantu ebirungi Pulezidenti by'akoze: Okuva Pulezidenti Museveni lye yajja mu buyinza mu, akoledde Uganda ebintu bingi ng'oluusi n'ebimu tebimanyiddwa. Bwe nafuuka omumyuka wa ssentebe wa NRM mu Buganda, n'akulemberamu bannange okugenda nga tusomesa abantu ebirungi Pulezidenti by'akoledde eggwanga era bwe beeyongedde okubitegeeza kwe kulonda Pulezidenti abibabatuusizaako.

Ke tumaze okuwangula ekifo kya Pulezidenti w'eggwanga ate n'ababaka abasinga obungi mu Palamenti, kati amaanyi ngenda kugateeka mu kulaba ng'ekibiina kya NRM kiwangula bingi ddala ku mutendera gwa LC V ne bakkansala baabwe era nga twagala tuwangula ebifo bino wakiri n'ebitundu 90%. Oluvannyuma era ngenda ne ku mutendera gw'eggombolola nagwo tuguwangule n'ebintu wakiri 95% awo ndyoke mpeweere nti ddala abantu baffe tugenda kubatuusaako obuweereza.

Mu ngeri yeemu, abantu abagenda okutukwatira bendera mu kalulu k'omwaka gwa 2031, tugenda kutandika okubeetegereza ng'obudde bukyali kino kituyambe okwongera abakulembeze ab'amaanyi.